# Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by Kalibattanya - 2007/08/19 22:33

---

Omukyala ono abadde ku family sunday show eya leero nga 19/08. Munsonyiwe erinnya lye sirijjukira. Nsubidde nti mutegedde gwenjogerako. Mu luyimba agamba mbu abakazi bonna babakula, nti era teri atakulibwangako. Njagala kumuwa agafa e Kyaddondo. FFE ABATAKA BAAYO TETUKULWA! Edda ffe twakulanga, naye netukula. A city kid is always a a city kid, from Newyork, to London to Kampala. We connect darn well. Mbu kubanga oli ampadde fish ne chips? That cheap! Mwonoonyennyo akatale!! Nga nange muwa ice-cream, nga twenkanya evvumbe! Yye abange oyo omukyala yye talina musaayi? Yye tasiima? Yye akkukuula ggwe tomukuula? Akukaddiya yye adda buto? Ebya bya kwekwasa, nze nno muwa amagezi, takkiriza kukola kintu kyonna yye kyatayagala. Mu ngeri eyo, mu buli nsonga ne buli kiseera agenda kubeera on top of things. Wabula ekisinga byonna, ageze ku mukwano!

==========

# Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by saava - 2007/08/19 23:07

---

Kalibattanya oleese ekifuba  ice cream bwomujjamu evvumbe nze kati mpanise, njagagala oli anyinyonyole kyebayita omwaami okukuula, bwajja olwa leelo nga gamba atya? "honey mpaayo emitwaalo 30"  nga nenkeela ajja ne story endala . nze wano mba nnenya bakyaala lwaaki osalawo kuganza  bampale zilimu ebityuli? kuba bwaaba naye akola awo aba asobola okwemalira ebizibu bye, ndowooza nti omuntu owenkula eno abako abakyaal abalala, nga nabo abakola kyekimu mubimpimpi eno jetuyita malaaya ensajja byo byaaba alenga biba biwooma mpooma ki? gyalowooza okuba nti abalala bebalina okumuyimilizaawo ate natasiima nakiyitamu kukula awo oba olina kkamutema nti amma gundi  bwekiba nti ozze kundeka mapengo weyongeleyo ofune abo abalina ezejjenjeero.

==========

# Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by Kalibattanya - 2007/08/19 23:19

---

Amapengo ogajjukiddewa? Olaba Sendikwanawa Malaya ensajja ensonga zatujjukiza? Naye maama, Kampala kati nga ejjudde abajega? Okukuula nekutuuka n'okufuuka oluyimba!!! Wabula Wamma Saava nze ekkinnumye abakyala bano bonoonye nnyo akatale, kati abasajja balowooza nti byebaliko bya bbeyi nnyo. Sso investiment enkulu eri mu good wife; ya kuza abaana, yasooka okuba omusomesa wabwe, yakola most social work eya family, yayaniriza abagenyi, nga naboludda lwomusajja kwebali, yasinga okuzannya part enneene kukuweesa amaka ekitiibwa, yaleeta omukisa mu nju, ye mujanjabi omukulu mu nju, ye mufumbi omukulu mu nju, ye manager wa maka, ye.....bweweyigiriza okukuula omuntu bwatyo tobeera kiyoyo? YYe oyonoonaki ebiseera mum BUBBI, funa munno akwagala mukole mpola mpola!!!!

==========

# Re:Omukyala eyayimba abakuuzi/oba abakwabuzi?

Posted by Meli - 2007/08/21 21:42

---

Nze ndowooza abo abaami bayimbako ba petty thieves. Lwaki? Oli aba tayinza kufuna mukazi amwagala gwakola naye mikolo alyoke akwabule abayita? Nanti ki,omukazi nga e Uganda omubbako ssente mmeka? Emitwaalo ekkumi? Negikukoleera ki ekyo ekisinga obuntu bulamu bwofiirwa? Ssogeera ku nkolagana nemunno, awayinza nokutuuka ekiseera nga byonna ggwe omukyala ggwe obikola. Njogera ku munnaffe bwayita obukwabuzi, bu loveless, small time criminals and never do goods. Ssirowooza, oba sagala kulowooza nti bukiikirira population ya banyinaffe nabasajja baffe bonna, ekibutuusa n'okusaana oluyimba olwaabwo. Ebyo byonna nga biwedde okwogerebwa, yye oyo omukyala munakuwaliddeko olwo mukisa omubi mu kulonda abaami!!!

==========

# Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by kayanzi - 2007/08/22 19:15

---

Omukyaala ono (Queen Florence) yagamba mbu abatikiriza nti baali babakwabudde batya buti. Mbu teli mukyaala atakwaabulibwangako!

==========

## Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by JeenaJulia - 2007/08/23 09:48

---

Omukyala ono tuyinza okuba nga twamufuna bubi nze kulwange ndowoza nti yali ategeza abassajja abalozza ku sukali wabanabwe ate nebamala nebadukka nga ye omukyala aba amazze okumusamu obwesigwa ela nga amanyi nti gwe mubezi,so mungeli eyo nasalawo abantu abekika ekyo abayite abakwabuzi,nga mukukwabula okwo mugendelamu ekya wamala (lol)essente,nomukwana (feelings).Bwemba ndi mukyamu muyinza okumpabula mundowoza yange.

==========

## Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by kayanzi - 2007/08/23 10:23

---

JeenaJulia wrote:

Omukyala ono tuyinza okuba nga twamufuna bubi nze kulwange ndowoza nti yali ategeza abassajja abalozza ku sukali wabanabwe ate nebamala nebadukka nga ye omukyala aba amazze okumusamu obwesigwa ela nga amanyi nti gwe mubezi,so mungeli eyo nasalawo abantu abekika ekyo abayite abakwabuzi,nga mukukwabula okwo mugendelamu ekya wamala (lol)essente,nomukwana (feelings).Bwemba ndi mukyamu muyinza okumpabula mundowoza yange.

JeenaJulia, olimutuufu nnyo era bwowuliriza oluyimba lutegeeza ekyo kyenyini!

Abasajja bwebatyo olusi batera okubayita ba 'hit and run.'

==========

## Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by Kalibattanya - 2007/08/23 14:31

---

Come on ladies, COME ON!! A hitting na runnign-a nze ssi hitting-a ne runnig-a? Oh just  COME ON! They have their hormones and we have ours. They have brains and so do we. Ebyo mmwe mubyeteekako. Nze najjawano wendi nesanga nga abakazi ba taking-a over stage. Nga bebagamba abasajja nti oyo nnamumala. In so doing, nga babagobako abato, abapya. Abasajja nebalyooka begaananga! And it was exactly the opposite of what you 're saying here. Nga bakazi abatambuddeko basanga abasajja mu weakness zaabwe, nebabasubiza permanent something, ate nebabaddukako nokubanyumya nebabanyumya!! As I said before, tokola kintu ggwe kyotoyagala, kyenyonyole bulungi obe nga osobola nokukinyonyola omulala , just in case you feel like it. Temwedibya!! Mwenna Abasajja nabakazi abaganda, head high and walk straight ahead. Always.Buli ayagala okubassa, oba wa munda oba webweeru, mulabe wa ggwanga!!!!!

==========

## Re:Omukyala eyayimba abakuuzi

Posted by Bandi - 2007/08/23 23:50

---

If getting used is what her song is about, it can happen to anyone. You just have to watch out.

==========